# 2 ABASESSALONIIKA 2:13-17 - TULI BALONDE BA KATONDA

Mu kitundu kino tugenda kulaba nti Katonda alonda abantu be okusinziira ku kumanya kwe okutaliiko kkomo, era nti abo abolendeddwa bayisibwa mu kutukuzibwa era ng'ekimu ku bikola omulimo gy'okutukuza kye Kigambo eky'amazima

**Olu 13** Pawulo ne banne balaba nga balina okwebaza Katonda olw'ab'oluganda mu Sessaloniika.

Ensonga eyeebazisa Pawulo ne banne kwe kuba nti Abasessaloniika Katonda yabeeroboza/ yabalondayo balokolebwe okuva ku lubereberye.

Abakkiriza baasonyiyibwa mu mbeera ey'okugibwako ebibi/okutukuzibwa era nga guno mulimo gwa Katonda okuyita mu Mwoyo Mutukuvu.

Bwe tukkiriza amazima, amazima gano gakola mu bulamu bwaffe okututukuza .

Amazima kitundu ku butukuvu era bwe gaba gakola mu ffe gaba galina kuzaala butukuvu.

Ffenna abaalokolebwa twalokoka kubanga Katonda yatulonda mu bangi n'atulokola.

Katonda mu ku manya kwe ye kw'ebyo ebigenda okubaawo amanyi ani agenda okukkiriza Enjiri ey'obulokozi n'ani agenda okugigaana.

**Abaruumi 8:29-30** ***"Kubanga abo be yamanya olubereberye, yabalonda okufaananyizibwa mu kifaananyi ky'Omwana we, ye abeerenga omubereberye mu booluganda abangi. (30) Abo be yalonda, n'okubayita yabayita, n'abo be yayita, yabawa obutuukirivu, n'abo be yawa obutuukirivu yabagulumiza.***

Ku kumanya kuno Katonda kw'asinziira okulonda b'alonze newaakubadde ng'ayagala buli muntu alokolebwe. Ate era nga bw'aba alonda b'alonze abalonda kubanga ye Katonda era ng'okulonda kwe kwa lwa kisa kye.

Katonda azze ng'alonda okuva edda era nga kino kirabika mu ngeri ez'enjawulo;

**Eky'amateeka Olwokubiri 7:6** ***"Kubanga oli ggwanga ttukuvu eri Mukama. Mukama Katonda wo yakulonda okuva mu mawanga gonna agali ku nsi okubeeranga eggwanga lye, lye yeefunira ly'asuuta ennyo."***

**Zabbuli 135:2** ***"Kubanga Mukama yeerondera Yakobo okuba owuwe; ye Isirayiri gwe yeeroboza okuba eky'omuwendo."***

**Isaaya 41:8-9** ***"Naye ggwe Isirayiri omuweereza wange, Yakobo gwe nalonda, ezzadde lya Ibulayimu mukwano gwange, (9) ggwe, gwe naggya ku nkomerero y'ensi ne nkuyita okuva mu bitundu by'ensi ebikomererayo ddala, ne nkugamba nti, 'Oli muddu wange,' nze nakulonda so sikusuulanga:"***

**Matayo 22:14** ***"Abayitibwa bangi, naye abalondemu batono."***

Bwe tukkiriza Yesu Kristo tutandika olugendo lw'okutukuzibwa era ng'Omyoyo Omutukuvu y'akola omulimo guno. Wabula kitugwanira okwewaayo eri Omyoyo Omutukuvu akole mu ffe.

Okutukuzibwa kitundutundu ku bulokozi era nga kya kiseera kyonna nga tukyali wano ku nsi nti Mukama atutukuza buli lunaku okutuuka lwe tulituukirizibwa.

**1 Abakkolinso 1:30** ***"Kyokka ku bw'oyo muli mu Kristo Yesu, eyafuuka amagezi gye tuli okuva eri Katonda, bwe butuukirivu, n'okutukuzibwa, n'okununulibwa,"***

**1 Abasessaloniika 4:3-4** ***"Kubanga Katonda ayagala mutukuzibwe, era mwewalenga obwenzi, (4) buli omu ku mmwe amanyenga okufuga omubiri gwe mu butukuvu n'ekitiibwa,***

**1 Peetero 1:2** ***"Katonda Kitaffe be yasooka okumanya ne batukuzibwa Omwoyo olw'okugondere Yesu Kristo, era ne balongoosebwa n'omusaayi gwe, ogwabamansirwako. Ekisa n'emirembe byeyongerenga mu mmwe."***

**Olu 14** Abakkiriza baayitibwa okujja eri amazima ga Katonda okuyita mu mu Njiri ey'amazima era nga mw'eyo mwe muli ekitiibwa kya buli mukkiriza mu Mukama waffe Yesu Kristo.

Abalina omukisa okubuulira Enjiri, Njiri ki gye tubuulira?

Era Njiri ki gye tuwuliriza?

Ddala bye tuwulirizaa oba bye tubuulira ge mazima agalokola era agawa ekitiibwa ekyannamaddala?

**Olu 15** Olwokuba nti Enjiri mazima agalokola era n'abakkiriza bano ge gaabalokola, baalina okusigala nga bayimiridde obutanyeenyezebwa kintu kyonna era banyweze ebyabayigirizibwa Pawulo ne banne.

Bwe tuzuula Enjiri ey'amazima eyo tugyekwateko, tuginywerereko era tuleme kuyuuzibwayuuzibwa kintu kyonna.

**Yokaana 17:17-19** ***"Obatukuze mu mazima; ekigambo kyo ge mazima.***

***(18) Nga bwe wantuma mu nsi, nange bwe ntyo mbatuma mu nsi. (19) Era***

***neetukuza ku lwabwe nabo balyoke batukuzibwe mu mazima."***

Amazima ge tuwulira mu Njriri kwe tuyimirira buli lunaku obutanyeenyezebwa miyaga gya bintu ebitwetoolodde kubanga bangi besigamya essuubi lya bwe ku by'obufuzi, abantu, okusoma, amagezi eg'ekikugu naye byonna biremererwa wabula Ekigambo kya Katonda eky'amazima tekiremererwa kale nno bwe tuba tuli baakuwangula emitawaana gy'ensi tulina kwekwata ku mazima ga Katonda.

**<u>Yobu 27:6</u>** ***"Nzija kwongera okunywerera ku butuukirivu bwange obutabuleka; omutima gwange tegunsalira musango nga nkyali mulamu."***

**<u>Engero 4:13</u>** ***"Nywerezanga ddala okuyigirizibwa, tokutanga: kukuumenga kubanga bwe bulamu bwo."***

**<u>Abaebbulaniya 10:23</u>** ***"Kale tunyweze essuubi lye twatula nga tetusagaasagana, kubanga eyasuubiza mwesigwa,"***

Olu 16 Omulokozi yennyini wamu ne Katonda Taata abassa okwagala, ne bawa abakkiriza mu Sessaloniika essanyu eddungi olw'ekisa kubanga Enjiri eyasindikibwa gye baali yali ya kwagala kwa Katonda eyayagala abantu n'abawa obulokozi era olw'ekyo abakkiriza baafuna essanyu n'essuubi ery'obulamu obugenda okujja era nga bino byesigamizibwa ku kisa kya Katonda.

Enjiri gye twakkiriza/ gye tubuulira erimu okwagala kwa Katonda nti ewatali kwagala okwo tewali Njiri kubanga obulokoozi bwajja lwa kwagala.

**<u>Yokaana 3:16</u>** ***"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo."***

Essanyu ly'abakkiriza teririna kwesigamizibwa ku mbeera eya leero, jjo oba ejja wabula kw'ekyo Mukama kye yatuwa okuyita mu Njiri ey'amazima n'essuubi eriva mu kyo.

Essanyu lyange n'essuubi; okwenyumiriza kwange kuli ludda wa?

**Olu 17** Abasanyuse emitima gyammwe; emitima gy'abakkiriza egyali gyennyise olw'ebibuuzo ebingi gamba ng'olunaku lw'okudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo gyali gyetaaga okubudaabudibwa era ginywezebwe mu buli kikolwa na buli kigambo ky'abakkiriza bano.

Kino kiri nti baalina ekigendererwa ky'obulamu kye baava baba n'essuubi era nga kino kireeta okukola obulungi naye n'obulungi buno bukolwa/ busobozesebwa Katonda eri abeewaddeyo gy'ali.

Ffe abakkiriza tuli matabi ku muzabbibu ogw’amazima nga ye Kristo Yesu era buli ekiva mu ffe kirina kuba kibala ekisobozesebwa omuzabbibu.

**Yokaana 15:1-5** ***"Nze muzabbibu ogw’amazima, ate Kitange ye mulimi. (2) Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala. (3) Mmwe kaakano muli balongoofu olw’ekigambo kye mbagambye; (4) mubeere mu Nze era nange mbeere mu mmwe. Ng’ettabi bwe litayinza kubala bibala ku bwalyo nga teriri ku muzabbibu, bwe mutyo nammwe temuyinza kubala bibala bwe mutabeera mu Nze. (5) "Nze muzabbibu, mmwe matabi. Buli abeera mu Nze nange ne mbeera mu ye oyo abala ebibala bingi. Kubanga awatali Nze temuliiko kye muyinza kukola.”***

Mukama atulonze naffe eri obulokozi lwa kisa kye so ssi maanyi gaffe tuleme kwenyumiriza.

Era bwe twajja eri obulokozi twajja eri okutukuzibwa okutaakoma wali we twalokokera wabuli okwa buli kiseera okutuuka lwe tuli tuuka mu kutuukirizibwa mu maaso ga Mukama waffe.

Tunyweze ekigambo eky’amazima kye twawulira era tumanye nti buli kikolwa ekirungi ekiva muffe kisobozesebwa Katonda.